# Omwana wange yalwadde olukusense ku myezi 6 ne nsoberwa

## *Nnasoose kulowooza mannyo ge gamutawaanya olw'okwokya n'embiro*

Bya JOANITA NANGONZI



Abazadde nga batutte abaana okubagema.

OBULWADDE bw'olukusense (mulangira) bumu ku bulwadde nnamutta ssinga tebwanguyirwa kujjanjabwa. Busaasaanyizibwa akawuka ka vayiraasi nga businga kutawaanya baana okutandikira ku baakazaalibwa okutuusa ku b'emyaka 10, wabula nga bukwata n'abantu abakulu.

Agnes Namusisi, omutuuze w'e Busaabala agamba nti : Batabani bange babiri baakwatiddwa olukusense nga lwasoose mukulu ow'emyaka 8, oluvannyuma ne lukwata ow'emyezi omukaaga.

Omukulu yasooka kufuna kifuba eky'amaanyi, ennyindo ne zikulukuta eminyira, oluvannyuma n'afuna omusujja ogw'amaanyi. Nnamuddusizza mu ddwaaliro nga mmanyi musujja ogwa bulijo, wabula oluvannyuma lw'ennaku n'amyuka emimwa, n'ayiwa olutulututtu omubiri gwonna nga wano we nategeeredde ng'alina lukusense.

Baatuwadde amagezi tumuwe enkejje ne mukene, era tumuwe ne ku mwenge omuganda, byonna ne tubimuwa era ne tumutwala ne mu ddwaaliro ne batuwa eddagala ezzungu.

Nga twakatandika okujjanjaba omukulu, n'omuto n'atandika okuddukana n'okukuma ebbugumu eringi naddala ekiro ng'emisana abeera bulungi.

Naye yatandise okukulukuta n'ennyindo n'afuna n'ekifuba eky'amaanyi ne tumutwala mu ddwaaliro tujjanjabe ekifuba n'embiro nga tulowooza nti, kumera mannyo kwe kuleese embiro, kubanga ate twabadde tetusuubira wa myezi mukaaga kulwala lukusense.

Wabula ku lunaku olw'okutaano bwe yafuukuuse olususu ne tumanya nga naye abufunye era ne tumutwala mu ddwaaliro.

**Namusisi, si ye yekka abaana be abaakwatiddwa olukusense, wabula abazadde okuva mu bitundu eby'enjawulo bagamba nti, abaana baabwe nabo baalwadde nga kyandiba nga lwabaluseewo , era lwetaaga okwerinda mu batannakwatibwa.**

### ENGERI OLUKUSENSE GYE LUKWATA

**Dr. Elias Aine Kalera, omusawo ku ddwaaliro lya St. Claire e Bulenga, agamba nti, obulwadde bw'olukusense butawaanya nnyo** abaana okutandikira ku baakazaalibwa, naye nga n'abantu abakulu lubakwata.



Omwana alwadde olukusense nga lufulumye.

1 Obulwadde buno bukwata mu ngeri ez'enjawulo ng'abamu babufuna okuva ku bantu abaabeera babulina, naddala abaana bwe balinaana abantu ababulina bubakwata mangu ddala.

2 Obulwadde buno era butambulira ne mu mpewo, nga businga kusaasaanira mu kukolola wamu n'okukuba emyasi (okwasimula) okuva ku muntu omulwadde.

3 Amalusu n'eminyira gy'omuntu alina obulwadde buno nabyo bisobola okubusiiga omulala atabulina.

Ssinga abantu abalamu babeera mu kifo kimu n'omuntu omulwadde, wabaawo emikisa mingi nabo okukwatibwa obulwadde obwo mu nnaku nnya zokka.

**Okugemesa abaana akawuka akaleeta obulwadde buno kikulu, ssaako okukebeza abaana abalina obubonero bw'obulwadde buno.**

Mu mateeka g'abasawo abaana bagemebwa ku mwezi mwenda obulwadde bw'olukusense era omwana eyagemebwa bwe bumukwata bw'ajjanjabwa awona mangu okusinga atagemebwa.



Dr. Elias Aine Kal[illegible] ku ddagala erijjanjaba olukusense.

### KW'OLABIRA OMWANA ALWADDE OLUKUSENSE

- Omwana afuna omusujja oba ebbugumu ly'omubiri lirinnya, nga mu bamu lisinga mu kiro.
- Ssennyiga akulukuta ng'amazzi.
- Ekifuba eky'amaanyi ng'akolola naye nga tekikutuka.
- Afuna obugondo obweru mu kamwa obuyitibwa 'Koplk's Spots'.
- Obutulututtu obumyuufu nga butera kutandikira mu maaso ne busaasaanira omubiri nga butandika mu nnaku ssatu oba ttaano oluvannyuma lw'okufuna obubonero bw'obulwadde buno.
- Obutulututtu buno butera kujja mu nnaku 10 oba 12 era bwe bufuluma obulwadde bubeera bufuluma.
- Omwana afuna kammuguluze n'agonda.
- Amaaso gamyuuka era gazimba.
- Omuntu afunye obulwadde buno asobola okufuna embiro.
- Obulwadde buno bwe butajjanjabwa mu bwangu buziba amaaso n'okulumizibwa omutwe, ne mu bamu okufa.

### OBUJJANJABI BW'OLUKUNSENSE

**Dr. Denis Malinzi, ow'eddwaaliro lya Shifah e Bujuuko agamba nti, olukusense lujjanjabwa okusinziira ku bubonero omulwadde bw'aba nabwo wabula tewali ddagala lyalwo. Omulwadde bw'abeera n'ekifuba eky'amaanyi aweebwa ddagala lya kifuba, bw'aba n'embiro ze zijjanjabwa n'ebirala bwebityo.**

- **Alina omusujja aweebwa eddagala ly'omusujja era omwana bw'aba yabutuse omubiri** aweebwa eddala ly'olususu erimutereeza.
- Alwadde olukusense, olw'okuba afuna embiro, zimumalamu ebirungo mu mubiri, era aweebwa Vitamiini A ne tukubiriza abazadde okumuwa eby'amasavu okusobola okugoba empewo, okufuna amaanyi n'ekiriisa ekizimba omubiri n'okumuyamba okuwona amangu.
- Kikulu nnyo okuwa omwana alwadde olukusense mukene, enkejje oba ebyennyanja kubanga biyamba okunyiga munda ebiwundu n'okunyweza obwerinzi bw'omubiri obwetaagisa okuwonya endwadde ezirumba omubiri.
- Omwana abeera alina okuweebwa eby'okunywa naddala ddaloozi, obutunda, n'amazzi nga bino bimuyamba okuddawo amangu n'omubiri obutaggaamu mazzi.
- Bw'abeera alina amabwa mu kamwa era abeera alina okuweebwa eddagala erijjanjaba amabwa.
- Abazadde bakubirizibwa okugemesa abaana olukusense mu budde obubaalagirwa okutaasa omwana okuyisibwa obubi ssinga lubeera lumukutte.

## *Abantu kye bagamba*



**Eva Ninsiima : Bwe ndaba omwana afunye ebbugumu, ekifuba, ssennyiga n'embiro muddusa mu ddwaaliro era bwe nzuula ng'alina mulangira, mmuwa mukene n'abalala okubaziyiza okukwatibwa.**



**Sliver Ssenabulya : Olukusense bwe lukwata omwana, nfuna katunkuma ayengedde ne mmusotta ne mmusiiga omubiri obulwadde okufuluma era mmuwa ne mukene ataliimu munnyo.**



**Sandra Nakyejwe : Abaana bange bwe balwala olukusense mbawa mukene n'enkejje nga bino mbifumbiramu omutuliika ne mbasiiga n'amasavu g'endiga obulwadde busobole okufuluma, era tebatambula obutabusaasaanya.**